Buli omu no mugugu gwe.....
Posted by ssewa - 2008/05/18 15:36

Ebigambo bimpede,ensonyi zinzijude,enaku nenkwata..ate nenswala.....

Buli omu wali nomugugu gwe nze ogwange gwa letebwa malala..nakwemanya...naye nsulansaba mukama aguntikule..naye enkeera nenkola kintu kyekimu...sigwanide kutekebwa kukalabba?????

kati nze nenye ani olwa malala??

omukadde anzala..? amasomero mwenayita...oba nze mwenyini kinkakata ko okwekebeeranga???

Binsobede nange..kubanga olusi beninya kubugere bantwala okuba nti byenkola mbikola mubugenderevu...naye gwe mugugu gwange..wabula gunsubiza ebirunji nkuyanja.....bwemba nkweyisirizako mungeri etasana omulundi sigumu si ebiri sasila...tota wabula..kubanga okuwuliriza kyo nkikola.....

olina mugugu ki..gwatule abantu bakutegera ate bakuyambe...\

namugereka abankumire

Hhhhh..naye kayimba ako wanga kabanyumire:::

http://www.youtube.com/watch?v=O9AuRPKYkQE

Mukulu wamwe

paulo ezra

==========

Re:Buli omu no mugugu gwe.....
Posted by Kalibattanya - 2008/05/18 18:03

Abalina emigugu mugende e Makerere mu Gugudde, eyo gyennawuliranga bagikujjako nebagisuula eri nowewuka. Naye alina omugugu gwa sente ye ayinza okuntukiriira nemmutegeeza wwa nangeri ki eyokugwejjako. Nja nakuyamba muyambe nga bwaali muwagizi wa connect.

==========

Re:Buli omu no mugugu gwe.....
Posted by tonto - 2008/05/19 20:00

Kaliba, kyogamba nga sente zimuzitowerera, oba obutaba nazo nga bumufuukidde mugugu?

==========

Re:Buli omu no mugugu gwe.....
Posted by JeenaJulia - 2008/05/22 12:33

Mukulu Paul Ezra nze nakugamba dda va mubyokwekubagiza nga buli lukedde,ffena tulina emiguggu gyaffe naye waliwo ekubo lyosobola okuyitamu,nze lumu naliyitamu nensagga omusajja eyali awanikidwa kumuti gwebangamba kolwo nti gwali musalaba,omuti ogwo gwali mukifo kyenawulila mbu bali bakiyita Calvary soma kaluvali.Mbu omusajja oyo eyali kumuti ogwo yewayo okwetika ebikoliggo byaffe,ebyange nawe nabuli eyetise egye emiguggu gyoyogedeko mbu bulyomu nogugwe.Kale seluganda vva mukwekwasa nonya omusajja oyo.Oba otandikila Jericho soma Yeliko odde e Jerusalem soma Yelusalemu eyo bwakubulayo yitilako e Damascus soma Damasikasi kubanga mpulila mbu eyo gyeyayitila....Nze bwenatuka e Damascus nembuza bagamba nti mugulu eyo gyeyagenda but in a way I found him and do u know what he told me....CAST YOUR BURDENS UNTO JESUS FOR HE CARES FOR YOU.:P :P :P

==========

Re:Buli omu no mugugu gwe.....
Posted by JeenaJulia - 2008/08/10 10:05

A flat-chested young lady went to Dr. Smith to see about enlarging her breasts. Dr. Smith told her, "Everyday after your shower, rub your chest and say, "Scooby doobie doobies, I want bigger boobies."

She did this faithfully for several months and it worked! She grew great boobs!

One morning she was running late, got on the bus and realized she had forgotten her morning ritual. Frightened she might lose her lovely boobs if she didn't do the little rhyme, she got right out there in the middle aisle of the bus and said, "Scooby doobie doobies, I want bigger boobies."

A guy sitting nearby asked, "Are you a patient of Dr. Smith's by any chance?"

"Why, yes I am. How did you know?"

He leaned closer, winked and whispered, "Hickory dickory dock".

==========

Re:Buli omu no mugugu gwe.....
Posted by JeenaJulia - 2008/12/22 17:41

Buli musajja anjagalako takomawo

Shamim Nansubuga

EBBANGA lye mmaze mu nsonga z’omukwano, abasajja nsigadde mbanyeenyeza mutwe kubanga tebamanyi kye baagala. Nze Shamim Nansubuga, mbeera Nansana.

Ku ntandikwa y’omwaka guno waliwo omukyala eyajja ewaffe e Kiboga n’ansaba mu bakadde bange ng’ende naye e Kampala tutandike okukola era nabo ne bakkiriza.

Twaggukira Nansana ne ntandika okuweereza mu bbaala emu. Emirimu ngikola era mukama wange ebbanga lye mmaze naye asiima. Nga wayise akabanga, abasajja naddala bakasitoma baffe baatandika okumbeeba omukwano.

Olw’okuba nali sirina kyakukola, waliwo be nakkiriza ne twagalana nga ndowooza nti banampa ku ssanyu naye bandekedde biwundu bya mukwano ku mutima ne nneetamwa.

Abasajja bwe baba tebannakufuna bakusuubiza ensi n’eggulu ne bakuteekamu ne kaasi ne weeyagala. Naye olumala okuloza ku sukaali wo enfunda eziwera, ng’olwo batandika okwebulankanya.

Eyasooka okumpisa bw’ati namwesonyiwa ne nzira ku byange nga ndowooza nti y’alina ebizibu bye ebirala. Naye kati abalala basatu be baakankinkola era we bituuse mbakooye kubanga nkizuddde nga bagenderera kulaba bwe nakula.

Naye nsuubira nti wayinza okubaayo omusajja omuntumulamu ayinza okunnaazako amaziga ge nzize nkaaba bukya

nnyingirira nsiike ya mukwano. Ekizibu mu mbeera gye ndimu siyinza kubeera bw’omu.

Kale bambi buli muntu aba nebizibu bye...kyokka ensi eno:dry: :dry: :dry:

==========